## POLIISI E KIRA EYIGGA EYABUZEEWO N'OMWANA

POLIISI e Kira, eri mu kuyigga omukozi w'awaka, agambibwa okuwamba omwana wa mukama we ow'emyaka omukaaga, n'abulawo naye. David Mucunguzi nga mukozi mu nnimiro ewa Dr. Emannuel Tumwesigye era ng'abeera mu zooni ya Ddungu e Kisaasi mu Kawempe, y'ayiggibwa oluvannyuma lw'okubula Abraham Tumwesigye Mpiirwe ku Lwokutaano. Mpiirwe, azaalibwa Dr. Emmanuel Tumwesigye, omutuuze mu zooni ya Ddungu era ng'omusango gw'okuwamba omwana, gwagguddwaawo ku Universal Police Post era poliisi esabye yenna amanyi amayitire g'abantu bano, okugitemyako.